

ENNYINGO - 14

PAULO KIYINGI OMUNNANSI ATE OW'ENNONO

14.1 Bafumbiza abaana baabwe okuva mu maka

Kino kye kimu buli muzadde yenna kyeyettanira era kyeyenyumiririzaamu bwekituukirira. Baayita mu mayengo ne mu nkumbaali okukuza abaana babwe abo bonna. Abalenzi bonna ne babasajjakuza okutuuka okufuna amaka gabwe. Abawala ne babafumbiza mu bufumbo bwabwe, ekintu ekitali kyangu nyo, naye ate ekiweesa buli muzadde ekitiibwa ne tutumu. Mary Namitala yafumbirwa Mwami Kezekiya Ntambaazi mu 1947. Efulansi Nalugwa yafumbirwa Mwami Kerementi Musoke naye mu 1947. Moses Semyano Kiyingi yawasa Mukyala Mary Nakubulwa Kibebbere mu 1956. Damascus Kaggulire yawasa Mukyala Robinah Joyce Nakiryowa mu 1963. Ono bweyafa kwe kuwasa Mukyala Robinah Nabawanuka Lunkuse. David Kulumba yawasa Mukyala Harriet Nakalanzi Musoke mu 1969. Asanasiyo Lule Bbosa yawasa Mukyala Milly Nalubega mu 1973. Elizabeth Nakiyingi yasooka n'afumbirwa Dr David Kyegombe mu 1969. Obufumbo bwe kwasasika kwe kufumbirwa Dr Paulo Wamala mu 1972. Ono bweyafa mu bikwekweto bya Idi Amin, ate kwe kufumbirwa Mwami George Byekwaso mu 1977. Esita Nabbose yafumbirwa Mwami Samuel Muleme mu 1971. Baalubuliza Kibuuka yawasa Mukyala Florence Hadudu Wasibi mu 1979. Samuel Lutalo yawasa Mukyala Angela Namyalo Ssali mu 1977. Kikuttobudde Sekkadde yawasa Mukyala Beatrice Birabwa mu 1980. Margaret Nalugya yafumbirwa Mwami Charles Musoke mu mpisa ye Kiganda mu 1981; ate nebatereza obufumbo bwabwe mu Kerezia mu 1999. Kale ebyawandiikibwa mu Baibuli, mu Yemiya esuula eya 29 ne bituukirira ku Paulo Kiyingi ne mukyala we Ezeza: "Mukama Katonda n'agamba abaana ba Yisirayiri bazimbe enyumba ez'okutuulamu. Basimbe ebirime mu nimiru. Balyenga ku birime ebyo. Bawase oba bafumbirwe; bazaale abaana. Bakuze abaana babwe okutuuka nabo okuwasa oba okufumbirwa, ate nabo bazaale abaana baabwe, baale." Bwerutyo olulyo lwa Kiyingi nerutandika okwala.

14.2 Paulo Kiyingi bye yakolera Ekika ky'Endiga

1. Yali muwandiisi wa kika ky'e Ndiga okuva mu mwaka 1937 okutuusa mu 1945, nga adda mu kifo ky'omuwandiisi Yonasani Ddamulira, eyawummula mu 1937
2. Olukiiko lw'ekibiina "Bweyagalire" olwatuulanga mu maka ga Paulo Kiyingi e Makeerere olunaku lumu buli mwezi, lwaali lwa kukulaakulanya kika kya Ndiga. Ssentebe walwo yali Paulo Kiyingi. Kati mu biseera bino, mu kifo kya Bweyagalire, ab'Ekika ky'Endiga baba n'olukiiko lw'ekika buli lwa mukaaga olusooka mu mwezi, ku ofiisi yabwe eri e Mengo ku Kayanja ka Kabaka.
3. PK, nga ali ne Yozefu Sserunkuuma Nkalubo owe Kamuli, Tito Kyobe Ziryawulawo owe Wampewo ne Erenesti Kibuuka owe Kabowa Kyaddondo, baateesa okugula plot y'ettaka mu kibuga e Mengo wazimbwemu office y'ekika ky'Endiga. Puloti yagulibwa, awo ku mbalama z'akayanja ka Kabaka. Ya decimals 50, era ne guno gujwa mwe muli ofiisi eyogeddwako waggulu.
4. Paulo Kiyingi yawereza ekika ky'e Ndiga n'amaanyi ge gonna mu mitendera emirala mingi. Yali

mukuumi, omulwanyirizi w'ennono, ensikirano, obulombolombo n'ebyobuwangwa by'ekika ky'e Ndiga. Ekimu ku bikulu byeyasembayo okukolera ekikaakye nga tannafa kwekutereeza n'okusemba okulondebwa kwa Paulo Bbosa e Nsasa okulondebwa kubwa Lwomwa, omukulu w'Ekika kye Ndiga nga Kezekia Kaggwa Lwomwa amaze okufa. Waaliwo mu kika abaali balowozza nti obwa Lwomwa bwa nsikirano; nti omusika wa Kezekia Kaggwa ye yandisikidde n'obwa Lwomwa. Nedda. PK yalwana bwezizingirire okutereeza ennono y'ekika, ey'okulondanga ba Lwomwa mu mpalo nga bwetoolola okubuna amasiga amalangira gali ana agaayogerwako mu mnyingo esooka (Ennyingo 1): Serunkuuma, Luwanga, Semiti ne Namusota. Lwali luwalo lwa ssiga lya Luwanga, PK mwasibuka, okuwa ekika Lwomwa. Bangi baali balowoleza mu PK okulondebwa ku bwa Lwomwa, kyokka ye kwe kulonda n'okusemba mutabaniwe Paulo Bbosa okufuuka Lwomwa, omukulu w'Ekika kye Ndiga owa kasolya, era y'aliwo ne kati. Baamutikkira mu 1967, omwaka gumu nga Paulo Kiyingi tannafa.

14.3 Paulo Kiyingi bye yakolera e Kanisa y'e Makeerere

Emirimu gya Gavumenti bwe yagiwummuzanga nga ate abakira egy'e Kanisa. Ye ne mukyala we Eseza baali banaddiini, abasomi abataateranga kwosa. Bombi baaliko Abakebezi mu Kanisa y'e Makeerere okumala emyaka egiwera. Bwebatyo abaana babwe ne babakuliza mu bulamu obutya Katonda, n'amateeka ekkumi nga bwe gasengekebwa mu Bayibuli. Anti era Bayibuli yeemu egamba nti "Mu kutya Mukama, amagezi mwegasookera" (Zabbuli 111, v. 10).

PK yali lukulwe mu baalwanirira ekanisa obutajjibwa ku lusozi kuzzibwa mu kikko, ebbanga lyonna okuviira ddala mu myaka gya ana (1940s) mwe yawangangusizibwa, okutuusiza ddala mu gye nkaaga (1960s) mwe yafiira.

Yali mukiise mwesimbu, atavevengibwa muntu yenna, wadde ka abe muwerezwa wa Katonda. Gamba nga waliwo lumu lweyattunka n'omwawule we Kanisa omu eyayatiikirira enyo e Makeerere mu myaka gye nkaaga (1960s), Rev. Nekemeya Wampamba. Kigambibwa nti omwawule oyo yayagala nyo okutuukiriza abazungu bomu 1940 kyebaalema okutuukiriza, eky'okujja e Kanisa okuva ku lusozi okujizza mu kikko, n'okutunza University ettaka lye Kanisa eryo weri. Baali wakati mu lukiiko, abakiise bonna nga basirise, Omwawule oyo nateesa bwati: "Kale, ffe Abakristayo be Makeerere kyetwagala era kyetusaba kiri nti singa University esobola okutufunira ettaka awalala, neetuzimbira e Kanisa empya gaggadde nene okusinga eno, ate nga eri ku mulembe, luno olusozi tulubawa, si wo?" PK naddamu mangu nti, "Nedda ssi wo". Buli eyali waali neyewunya obuvumu PK bweyalaga, okwanganga omwawule eyali agezaako okukkirizisa abakiise nga abawanda ebigambo mu kamwa mu ngeri eyo. Ekiteeso ekyo tekyayita, e Kanisa yasigala ku lusozi lwayo; Wampamba bweyagenda yagirekako. Ne kaakati ekyaliko. Kyokka kino tekyandyewunyisizza, bwojjukira nti eyo yemu ku nsonga ezatwaza Paulo Kiyingi mu buwanganguse.

14.4 PK nga Omusajja Omuganda

Enkolagana wakati wa bakyala be bombi, Susaana owe Bukatira mu kyalo ne Eseza owe Makerere ku kibuga. Okutwalira awamu enkolagana yabwe yali nungi. Tewaaliwo nsonga ebakijjanyanya, kuba PK okuwasa Susaana kyava mu kuteesa wakatiwe ne mukyala we Eseza, nga PK yetaaga omukyala mu maka e Bukatira gyeyali alagiddwa okubeera, ate nga Eseza alina okusigala mu maka e Makeerere ku

kibuga agalabirire, naddala okusoma kw'abaana baabwe mu masomero amalungi.

PK teyali munadiini wa Kristo yekka, naye ne ediini y'ennono nayo yali agigoberera nga Omuganda yenna bwagoberera empisa z'ennono yaffe. Katonda we Butonda, ba Lubaale ne Bajjajja nga nabo abasaba okumukulemba mu bimu kwebyo byeyabanga agenda okwanganga, awamu n'okumulyowa omwoyo. Ekyo kyamusobozesa obuteekubirira nnyo ku magezi ga muzungu ne diini gyeyajja nayo byokka. Era kino tekyalema kumwongera buvumu mu lutalo lw'okulwanyisa obufuzi bwe kikoloni obwali bwagaza omuzungu okujjako Omuganda omunnansi ekitiibwa kye, ennono ye ne ttaka lye, ye abyeddize.

Bagamba nti PK yali musajja mukambwe nyo, kyokka yali amanyi okubalaata. Mu kubalaatakwe yalina omuze ogw'okutuuma abantu amanya ag'engeru, naago agava ku mpisa oba enfaanana z'abantu abo. Abaana be yabatuuma nyo amanya agava mu ngero nenjogera, gamba nga **Lwalamukwano** (oluganda), **eKigwiromusajja** (akimala), **Balubuuliza** (mbazzi nga lwo luli ku muddo lulya - oluliga), **eKikwanguyira** (nawe okyanguyira, ekikajjo olya kibisi), **eKikuttobudde** (kiributa Muteesa bwalidda), **Kuumekyoto** (kireme kuzikira) Amanya amalala nga agatuuma okusinziira ku nfaanana, eneeyisa oba enjogera y'omuntu. Laba gano: Mufuweto, Vuvuvu, Kagodo, Katako, Zinzimiya, Kulubeyo, Sebirikundi, Mawale, Kibutinti, Bulagokkeke, Mugode, Mitwebiri, Munaaningo, Basammula (ekkere, asanze lyabuse) n'amalala mangi geyatuuma abantu ku kyalo oba ab'enganda abalala mu ngeri y'okubalaata, naye ate negakala.

14.5 Ettaka lya Paulo Kiyingi

Nga omusajja Omuganda yenna bwaba, Paulo Kiyingi yali mutaka eyalina ettaka lye mu bifo ebiwera:

- (1) Ekibanja ekiri e Makeerere kyamuwebwa e Kanisa ya Church of Uganda Makeerere okusengamu mu mwaka 1931. Kikakasibwa luno jjuuzi, ne kifunirwa n'ekyapa eky'obwa nnanyini, nga e Kanisa egenda etematema mu ttaka lyayo nga bwetundako erimu. Ne kati ennyumba y'enda oba olulyo lwa Kiyingi mweekyaali.
- (2) PK yagula ettaka e Zirowwe yiika eziwera nga akyakola mu Gavumenti. Era eyo gye yasookera nga avudde mu buwanganguse. Ettaka lino oluvannyuma yalitunda.
- (3) PK yagula yiika z'ettaka eziwera e Bukatira, Namasinda Bulemeezi gye yazimba amakaage amalala nga avudde e Zirowwe oluvannyuma lw'obuwanganguse. N'atandika obulimi.
- (4) PK yagula ettaka yiika 105 e Ggoli Bulemeezi . Yafa talina kinene kyalikozeeko, era kirowoozebwa nti lyazaawa mu biseera by'entalo z'okwenunula obufuzi bw'Obote.
- (5) PK yafuna ettaka lya yiika 5 eryamuwebwa mukulu we Aloni Bapere Sekkadde e Mpigi Nakaseeta.
- (6) Waliwo n'ettaka ery'obujjajja, ery'ebiggya eriri e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi. Omwo mwe mwaziikibwa Samwiri Lwasi Buzaabo, Semyoni Kaddu Nansambu, Paulo Kiyingi, Zeveriyo Kateetemera. Ne Aloni Bapere Sekkadde naye tebaamuziika wala okuva awo. Ab'enda ya Kiyingi gye batera okubaziika.

14.6 Pension ya Gavumenti

Olwemirimu gyeyakolera gavumenti okumala emyaka egikunukkiriza mu abiri (20), PK yawandiika amabaluwa agasaba ensimbi ez'akasiimo mu bukadde bwe. Gavumenti yakkiriza era mu mwaka gwa 1962 n'etandika okumuwanga ensako ya pensoni buli mwezi (*Government Pension*). Ensimbi zeyafunanga tezaali nyingi kumala byetaago bye byonna, naye nga zibiwewulako. Okwo ne mutabani we Semyano Kiyingi kweyamwongererezanga. Ate ye mutabaniwe n'atakoma awo, n'ateekako n'okumuzimbira enyumba empya mu kyalo e Bukatira.